# Abaana temubaggya ku mutimbagano naye mubawabule ku nkozesa yaagwo

Bya EMMANUEL SSEKAGGO




NG'OLUWUMMULA lw'abaana baffe lunaatera okuggwaako era badde ku masomero, tuzze tukulaga ebintu eby'enjawulo ebitali birungi ebisobola okubatuukako nga bakozesa essimu, ttaabu oba kompyuta mu ngeri eteri nnungi naddala nga bali ku mutimbagano.

Kyokka newankubadde embeera eri bw'eti, abakugu mu nkuza y'abaana bazze bakitulaga lunye nti, okusinziira ku nsi bw'etambula, eky'amazima tokyasobola kwawukanya mwana ku mutimbagano kubanga bingi by'asobola okuguyigirako. Ate omwana wo bw'onoomukuumira emabega, n'akula nga tewali ky'amanyi ku mutimbagano na nkola ya tekinologiya, ojja kwekanga ng'asigalidde emabega ng'abalala bamuyitako.

Kino kitegeeza nti, tulina kuyiga buyizi bwe tuteekateeka baana baffe nga bali mu nsi eya tekinologiya n'omutimbagano so si kugubatangira butangizi.

Omukugu mu nkuza y'abaana era nga musomesa ku yunivasite Amina Birungi, agamba nti: Newankubadde tuzze tulaba okusoomoozebwa abaana kwe basobola okufunira ku mutimbagano, tekiguggyaako kuba na birungi byagwo omwana by'asobola okuguyigirako. Mu bimu ku byo kuliko:

- Okuyambako omwana mu kusoma : Ku masimu okwo wamu ne ttaabu, kuliko appu ez'enjawulo ezisobola okuyambako omwana okusoma. Appu zino zisobola okumuwa ebibuuzo okusinziira ku mutendera gw'aliko ogw'okusoma ebimuleetera okulowooza ennyo n'okumanya engeri gy'alina okubyanukula. Mu mbeera eno okiraba nti, omwana asobola okubaako by'ayigira ku mutimbagano.
- Okuyiga obuyiiya n'okukuba ebifaananyi : Mu ngeri y'emu era ku masimu, osobola okuteekako appu abaana kwe bayigira obuyiiya mu kukuba n'okusiiga ebifaananyi eby'enjawulo. Mu mbeera eno, omwana asobola okufuna obuyiiya obw'enjawulo.
- Omwana okuyiga eddiini : Era ku masimu okwo, waliwo emikutu egisomesa ebikwata ku ddiini ez'enjawulo, omwana bw'agyettanira asobola okumanya ebintu ebiwerako ebikwata ku ddiini ye. N'ebitabo ebitukuvu gamba nga Bayibuli ne Kulaani kwebiri ku masimu. Kale omwana bw'ateekebwateekebwa obulungi aba asobola okubisomerako n'okubyebuulirirako.
- Okuyambako mu by'okwerinda : Newankubadde twalaba nti, abantu ababi basobola okukozesa omutimbagano ne batuusa obulabe ku baana baffe omuli n'okubawamba, naye ate esobola n'okuyambako ku by'okwerinda byabwe naddala nga singa abeera n'essimu, n'ateekako 'lokesoni', singa aba awambiddwa asobola okuzuulibwa.
- Okuwuliziganya n'abantu : Mu ngeri y'emu, omwana bw'aba n'essimu, oba osobola okuwuliziganya naye mu budde w'omwetaagira.


Amina Birungi

Kale bw'otunulamu n'olaba ng'omwana akuze era ng'asobola okukozesa essimu oba ttaabu mu bulungi, okugimuwa tekyalibadde kibi kyokka ng'oyogedde naye ku ngeri entuufu ey'okugikozesaamu.

Wabula nga tonnamuwa ttaabu wadde essimu, sooka oyogere naye, singa aba agikusabye, mubuuze ky'agenda okugikozesa, ekyo ky'akugambye ky'otandikirako okumulambika okulaba nga tagikozesa mu bukyamu.